# *Olunaku Lwa Maama*

. . . kuŋŋaaniro, kwe kusaba kwange. Ndi musanyufu nnyo enkya ya leero, okulaba okukula kw'ekkuŋŋaaniro lino mu by'omwoyo, n'engeri, n'akabonero akali wabweru awo, mu kaseera kano bateekateeka kuzimba kkanisa mpya. Ndowooza yetaagisa. Era mulaba oluvannyuma nga . . . Mukama waffe Yesu bw'anaaba tannakomawo, nga ffe tetukyaliwo, baliba . . . kibeere nti abaana baffe baliba n'ekifo mwe basabira. Era twagala "okuwakanira ennyo Okukkiriza okwo okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu." Ekyo ndowooza kintu kirungi.

2 Era bwe mbadde nnyingira, akaseera katono akayise, okwongereza ku bujulizi obungi obuweereddwa obukwata ku kuwonyezebwa, okuva mu nkuŋŋaana entono ezaakaggwa, ezibadde wano mu kkuŋŋaaniro. Buli kaseera bweyongera okwetuuma, obujulizi obw'okuwonyezebwa, okuwonyezebwa okw'ebyamagero eby'amaanyi.

3 Mukyala wange mbadde mmulese wabweru, mu kaseera kano kennyini, wamu n'abaana nga bali ku—ku mulyango; era wabaddewo mwannyinaffe, kaakano atudde wano, abadde ajjudde essanyu eritayogerekeka okutuusa lw'atulise n'akaaba, olw'ekyamagero ekinene ekyabaawo ku kazzukulu ke, emmanga eri, ndowooza, mu Chattanooga. Muky. Nash, ono wano, muzzukulu wo yalina obulwadde obwali bumuluma, naye, ndowooza mu lukuŋŋaana olwasembayo olwali wano, Mukama waffe Yesu, obulwadde obwo yabwogera, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nti, bugenze. Era agenda kuba bulungi." Era kati omulenzi oyo mulamu bulungi ddala era yawonyezebwa, talina buzibu bwonna.

Era ki—kisanyusa nnyo, okuwulira obujulizi obwo.

4 Era waaliwo n'omuvubuka, naye waali wano, yatusaba tusabire Muky. Stotts, gwe baakamala okulongoosa ebbanga si ddene eriyise. Era kye baba baagala; mulaba, bwe watabaawo muntu ayagala tumusabire, baba . . . kiraga, kasita obeera nga ogezaako, nga waliwo abantu abaagala obasabire, kiba kitegeeza nti, bakyagala, mukiraba. Oluusi bakuyitirirako, okutuusa . . . si mu ngeri embi, naye bagenda ne baba bangi nnyo, n'otuuka nga olina okubaako w'oddukira weekweke, obabuleko okumala akaseera, okusobola okusigala nga oli mulamu. Naye, ndi—ndi musanyufu nti ekyo bakikola. Temulowoozaanga nti ssaagala kubasisinkana, kubanga ba . . . singa tewaali muntu yenna ayagala mmusabire, obuweereza bwange bwandibadde wa? Mukiraba? Mukiraba?

5 Naye ebiseera ebimu bwe mumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham, sikutegeera abantu bwe baba bakuyita bwe batyo,

ate—ate ggwe n'obaddukako n'obaako we weekweka." Ekyo nteekwa okukikola okusobola okusigala nga ndi mulamu, nsobole okusabira abantu. Temumanyi bumanya . . . Abantu bano tebava—tebava mu kifo kimu, wano wokka. Bava mu nsi yonna. Mukiraba? Kale—kale kibeera kizibu nnyo ddala. Naye nkakasa nga ekyo mukitegeera.

6 O, naye kirungi nnyo okubeera Omukristaayo! Amazima gali nti ssimanyi kye nnandikoze singa teyali Kristo, era kale . . . n'okubeera n'enkolagana n'Abakristaayo, nti, abantu abalina Okukkiriza kwe kumu okw'omuwendo, abakkiririza mu Katonda era abamwesiga; era nga bakkiriza nti waliwo olunaku lumu olw'ekitiibwa lwe tuliwangula olutalo luno, tufune obuwanguzi, era tuyimirire nga tununuliddwa nga tuli mu kifaananyi Kye, ku ludda luli.

7 Era kati njagala okubaako ekirango ekitonotono kye nkola, nti, nga bwe tuzimba ekkuŋŋaaniro, n'ebirala, nja . . . tugenda kuzza buggya ekibiina kyaffe, nnaddala ku ludda lwange olw'enkuŋŋaana. Okumala ebbanga lino lyonna mu nkuŋŋaana, okuva lwe nnatandika obuweereza buno, obw'okubuulira enjiri, emyaka mingi egiyise, mu kifo ky'okukola ekibiina, okufuna ekibinja ky'abantu abalala, nagenda bugenzi mu maaso ne nkozesa abantu be nnali nsangiddwa nga mmanyi; era okuva . . . ne nkola ekibiina, nti enkuŋŋaana zange zonna zijja kukolebwanga mu linnya ly'Ekkuŋŋaaniro lya Branham. Era nga eryo lye lyali erinnya ery'okukozesebwanga mu Union National Bank mu New Albany, mwe twalina okuyita okusasulanga—okusasulanga ssente, kituyambe okuba nti teziggyibwako musolo. Ekyo singa ssaakikola bwe ntyo, buli ssente zonna ezikuŋŋaanyizibwa bandibadde banzigyako omusolo, singa ssaakozesa linnya lya Kkuŋŋaaniro lya Branham nga ekibiina.

8 Ekyo bangi ku mmwe mubaddenga mumpulira nga nkiranga, entakera. Nnina okukikola, n'oku . . . ekyo okusobola okukikola. Naye ate kati—kati tugenda kuteekawo ekibiina ekipya. Era twandyagadde abo bonna abamanyi nti nna . . . Ekyo bameka abaali bampulidde nga nkiranga, nti emisaala gyonna, nkolera wansi wa Kkuŋŋaaniro lya Branham? Muyimuse ku mikono gyammwe, mwenna . . . Weewaawo, mwenna mwali mukiwulidde. Mwenna.

9 Kale olukuŋŋaana bwe lunaaba luwedde, bwe munaaba mwagadde, nninawo wali ekiwandiiko ekitonotono, kibeere nti, bw'onaaba oyagadde osobola okukiteekako omukono nga bw'ofuluma wabweru. Ow'oluganda Roy Roberson ajja kubeera nakyo emabega wali.

10 Kubanga tugenda kuteekawo ekibiina ekirala, kintu kye kimu, wabula . . . naye nga kibiina kirala, kibeere nti ssente zaffe zonna ze tufuna n'endala, ezikuŋŋaanyizibwa mu nkuŋŋaana, zisigala teziggyibwako musolo, zibeere . . . ziterekebwenga, nga

bulijjo, mu Union National Bank, okuyita mu kkuŋŋaaniro, mu kifo ky'okubeera ne—ekibii-...ekibiina ekirala. Kubanga, kino kisangiddwa nga kibiina ekyawandiisibwa, mu linnya ly'Ekkuŋŋaaniro lya Branham, mukiraba. Kale bwe wabaawo ekibiina wansi w'erinnya Branham *wano* n'ekirala Branham *wali,* n'ebiringa ebyo, n'ebibiina ebirala eby'enjawulo ekyo tekikola bulungi nnyo.

11 Ekyo Ow'oluganda Roberson ajja kukikolako, eri mmwe abanaaba baagadde okukikola, bwe tunaaba tufuluma wabweru. Tujja kubasiima olw'okukikola.

12 Kati, enkya ya leero, nga tetunnayingira mu lukuŋŋaana, njagala ŋŋambe nti, Mukama nga ayagadde, nja kugezaako okukomawo nate akawungeezi ka leero. Ssaagalira ddala kubuulira nkuŋŋaana zombi nga Ow'oluganda Neville tabuulidde, naye yansabye mu mutima mulungi mbuulire n'akawungeezi ka leero. Era Mukama bw'anaaba ayagadde, akawungeezi ka leero njagala mbuulire ku ky'okuyigako eky'enjiri ey'awamu, kye nnaawa omutwe ogugamba nti: *Ani Ono?* Mukiraba? *Ani Ono?*

13 Era kati enkya ya leero, njagala oku...nnabadde ndowooza o—okwogera enkya ya leero ku ky'okuyigako ekikwata ku Lunaku lwa Maama. Era mmanyi nga olw'eggulo lwa leero n'enkya ya leero waliwo enteekateeka ez'enjawulo ez'Olunaku lwa Maama. Kale nnalowoozezza nti nnaabaako ne kye ngatta awamu, kubanga twagala tusabire abalwadde amangu ddala nga olukuŋŋaana luno luwedde, era nga bulijjo.

14 Tukkiriza nti Katonda Muwonya, era Awonya abalwadde n'abanyigirizibwa. Era ekyo mmanyi nti Akikola. Era tekiriiko kubuusabuusa kwonna—kwonna, nti, kubanga waliwo entuumo y'obujulizi bungi, obukitukakasa.

15 Olunaku lwa jjo nnabadde ntunula mu kutiya Ow'oluganda Gene ne Leo gye baaterese, ey'obujulizi bwe baakuŋŋaanyizza. Era yabadde kutiya ennene eyabadde ejjudde obujulizi obw'enkukunala, obw'ebyamagero eby'okuwonyezebwa Mukama by'akoledde abantu.

16 Era muli nnalowoozezza, nti ekyo bwe kiba bwe kityo, watya singa tulondoola era ne tutereka mu buwandiike ebintu ebyo byonna ebyali bibaddewo? Ndowooza, mu Puerto Rico ne Jamaica, wokka, twandifunyeeyo obuwera omutwalo mulamba, oba n'okusingawo, obujulizi obwenkukunala, obw'okuwonyezebwa okuva eri Mukama, obw'ebyo bye Yakola.

Kati nga tetunnabikkula Kitabo, leka twogere ne Nnyinikyo.

17 Ayi Mukama, tukwebaza nnyo nnyini, okuba nti, bwe tukoteka emitwe gyaffe, tutamwattamwa nga tunoonya ebigambo eby'okwogera; kubanga sikkiriza nga mu mimwa gy'omuntu mulimu ebigambo ebisobola okwoleka ebiri mu mutima gw'omusajja oba omukazi, omulenzi oba omuwala,

eyali akusisinkanye. Okwolesa okusuuta kwaffe, okw'engeri gye tukusuuta, ne ky'Otegeeza gye tuli. Kyatwawukanya n'ekibi, era ne kitwawukanya n'ensi. Era kyatuwa ekintu Ekitaggwaawo era eky'omukisa. Era tetuyinza kufuna bigambo bimala kukyoleka.

18 Nga omukungu omu bwe yayogera, wiiki ntono eziyise, nti alina ennimi ez'enjawulo mwenda z'asobola okwogera obulungi, mu kifo kye nga omuwi w'amagezi eri Pulezidenti waffe omwagalwa, Dwight Eisenhower. Naye newankubadde asobola okwogera ennimi mwenda, bulungi nnyo, yagamba nti, bwe yafuna Omwoyo Omutukuvu, yagezaako ku zonna omwenda, naye n'alemwa okufuna ebigambo eby'okwogera, nga tewali lulimi n'olumu lw'asobola kukozesa kwoleka kye yali awulira, naye n'Omuwa olulimi oluggya lw'aba akozesa okwolesa kye yali awulira n'okukwebaza. Era, naffe, bwe tutyo bwe tuwulira Mukama, nti, obulamu bwe buliba nga bukomye, nti ob'olyawo ffenna tulyogera mu lulimi olw'enjawulo, ne tusobola okwolesa ekyo kye tukulowoozaako.

19 Kaakano tukusaba, ayi Mukama, owe omukisa ekkuŋŋaaniro lino, omusumba waalyo, abayima baalyo, abadiikoni baalyo, n'abo bonna be baweereza nabo, abantu abakyala wano, abayingira ne bafuluma okuyita mu miryango. Bulijjo libeerenga nga liwongeddwayo, okuba ekifo eky'okuwummuliramu, akooye era ayenjebuse mw'asobola okuyingira, nga ayita mu miryango gyalyo n'afuna ekiwummulo n'emirembe eri emmeeme ye, era nti abalwadde bayingire mu miryango, era bafulume nga bawonyezeddwa, olw'Okubeerawo okw'olubeerera okwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna Oyo abeera wansi w'akasolya kaalyo.

20 Tukusaba, ayi Mukama, nti mu nteekateeka eno egenda okutandika eya . . . ekolebwa kaakano, Osisinkane akakiiko era osisinkane ne bonna. Era bwe kiba nga kikusanyusa tusaba nti wabeerengawo ekijjukizo ky'essaala eyasabirwa mu kidiba kino ekikadde, era, lumu ekyali ekisaalu; kati ekyafuuka omunaala gw'ekitangaala, ekifo eky'okuwummuliramu eri oyo akooye, olw'okwanukulwa kw'essaala eyo.

21 Kaakano tusonyiwe olw'ekintu kyonna kye tukoze, oba kye twogedde, oba kye tulowoozezza, nga kikontana n'okwagala Kwo okukulu; era ojjukire, ayi Mukama, nti tebivudde mu mitima gyaffe. Twandiba nga tubyolesezza bwolesa okuyita mu bikolwa byaffe oba n'emimwa gyaffe. Naye, Ggwe otuwulira, mu bwangu obw'ekitalo. Bwe tukitegeera nti tuli mu nsobi, tubeera beetegefu okugyatula. Era tetwagala kukuumira butali butuukirivu, mu mitima gyaffe, kubanga tukimanyi nti Katonda tajja kwanukula ssaala zaffe; naye buli kaseera twatula ensobi zaffe.

22 Era tukusaba, ayi Mukama, Otuwe omukisa, enkya ya leero, okwetooloola eggwanga lyonna, nga bwe bajaguza olunaku

luno olw'ekijjukizo eky'Olunaku lwa Maama. Naye tusaba luno luleme kubeera nga—nga lwe lunaku lwa maama lwokka; tusaba buli lunaku lubeere bwe lutyo.

23 Ayi Katonda, tukusaba nti amakya ga leero, bamaama, abakazi, abaawaba ne bava ku Katonda, beekube mu kifuba, enkya ya leero, era bategeere nti ekigambo *maama* kitegeeza, "oyo eyazaala." Leka ategeere nti ezzadde, okuva mu bumu bwe wamu ne bba, gabadde mayinja amatono ag'omuwendo Katonda g'amuwadde okulabirira. Era nga, alyanukula eri Katonda bwe yakuza abaana abo. Era nga Ekyawandiikibwa bwe kigamba, nti, "Omukazi omulungi, era maama, n'ekyo ky'ali, nti abaana be banaamuyitanga aweereddwa omukisa."

24 Ayi Mukama, bwe tulaba leero, nga baaviira ddala ku Byawandiikibwa, era nga kyenkana beeyisa nga nsolo! Tukusaba, ayi Katonda, Otuwe okudda obuggya kuli okw'enkola enkadde okunaabakoowoola bakomewo mu kifo mwe balina okubeera.

25 Ayi Mukama, tetuyinza, n'akatono, kwerabira kukwebaza olwa bamaama abannamaddala, kubanga tukimanyi nti weebali tubalina leero; ba maama bennyini, abeesigwa. Ayi Katonda, bawe omukisa. Ba muwendo nnyo gye tuli, era tukusaba Weeyongere okubeera awamu nabo, ayi Mukama, era leka babeere mu bulamu obw'essanyu era balabe ebibala by'enda zaabwe nga baweereza Katonda.

26 Era tukusaba, ayi Katonda, nti abo abambadde ekimuli kya looza ekyeru enkya ya leero, manya ekimuli ekyeru, okutegeeza nti bamaama baabwe baafa tebasobodde kubeerawo ku mukolo guno olwa leero; tusaba, ayi Mukama Katonda, bawummule mirembe era emirimu gyabwe gibagoberere. Kituwe, ayi Mukama.

27 Kaakano, ddira Ekigambo Kyo, ayi Mukama, oyogere eri abantu, era obagumye, kubanga eyo y'ensonga etukuŋŋaanyizza wano; okuwulira Okubeerawo Kwo, okuwulira Ekigambo Kyo, era tuweebwe omukisa; era tuve wano tugende okubeera abasajja n'abakazi ab'enjawulo, abalenzi n'abawala, okusinga ku bwe twabadde nga tuyingira wano. Kino tukisabye mu Linnya lya Yesu, Omwana wa Katonda. Amiina.

28 Njagala nnyo okusomebwa kw'Ekigambo Kye eky'omukisa. Kale kati, enkya ya leero tugenda kubikkula, mu Kitabo ky'Abakkolinso Ekisooka, tusomeyo ekitundu ku ssuula ey'e 15, okutandikira ku lunyiriri 1.

> *Kale mbategeeza, ab'oluganda, enjiri gye nnababuulira, era gye mwaweebwa, era gye munywerera mu;*
>
> *Era gye mulokokeramu, mbategeeza ebigambo bye nnagibuuliriramu, oba nga muginyweza, wabula nga mwakkiririza bwereere.*

*Kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga Kristo bwe yafa olw'ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;*

*Era nga yaziikibwa, n'azuukira nate ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera;*

29 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kiwulikika nga ekitali kya bulijjo okuba obubaka bw'Olunaku lwa Maama." Kaakati, ekyo kituufu. Naye, omanyi, Katonda si wa bulijjo, era Akola ebintu mu ngeri etali ya bulijjo.

30 Era ndowooza, ku birowoozo, ebya maama. Era nnina maama amakya ga leero, olw'ekisa kya Katonda, akyali wano ku nsi wamu naffe. Era nsiima okuba ne maama. Naye olw'okuba, nti, era twabadde ba kubeera n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, ate nga nnabadde simanyi obanga nnaakomawo akawungeezi ka leero, naye nnalowoozezza nti ob'olyawo tusobola okubaako ekifaananyi eky'enjawulo kye tusiiga.

31 Maama mukulu nnyo. Omanyi, omuntu asooka okukwaniriza, mu bulamu buno, ye maama wo. Tewali muntu yenna asobola kukukwatako, kubanga y'afuna olubuto lwo, era akwetikkira wansi wa mutima gwe. Era y'asooka okukumanya, era y'asooka oku, mu bulamu buno, oku—okukusitula. Era, bw'ozaalibwa, emikono gye gy'egimu ku mikono egisooka okukukwata n'akusangula amaziga okuva mu maaso go. Y'asooka okukusiisiitira n'okukwagala, n'okukubiibiita, mu bulamu buno, ye maama wo. Kati, ndowooza nti tewali kitiibwa kimala kye tuyinza kuwa maama.

32 Maama y'akwata ekifo ekisooka ku mwana, era alina obuvunaanyizibwa obw'amaanyi obw'ekyo omwana oyo ky'aliba, kijja kwesigamizibwa ku ngeri maama oyo gy'alaga omwana oyo ekkubo ly'ateekwa okukwata. Maama alina obuvunaanyizibwa, okuva eri Katonda, okuteeka omwana oyo mu kkubo ettuufu. Era ndowooza eyo y'ensonga lwaki bamaama balina enkwata ey'enjawulo.

33 Waliwo omuvubuka gwe mmanyi mu kibuga kino. Ndowooza maama we waali wano. Omuvubuka oyo kyenkana tuli mu myaka gye gimu. Naye kino sikyogera kulumya maama we; kubanga asangiddwa alina obulumi obumumala, nga bamaama bonna bwe bali. Naye omuvubuka oyo anywa omwenge, era anywera ddala n'agangayira. Naye bw'atamiira n'aggwaayo, akomawo eka ne yeesogga obuliri maama we mw'ali n'amuwambaatira. Ate nga alina n'abazzukulu. Naye waliwo ekintu eky'enjawulo maama bw'akusiisiitira, ekirabikanga ekitwala e—ekifo eky'enjawulo okusinga ekintu ekirala kyonna; ntegeeza, mu bulamu buno, mu ngeri ey'obuntu.

34 Omanyi, omusajja nga Musa, ya. . .Bwe mba wa kusiima kintu kyonna ku nneeyisa ye, kyali lwakuba yalina maama

eyatumibwa okuva eri Katonda. Omanyi maama ye yali yasaba, Yokebedi, era ye yayaayaanira okufuna omwana ono. Era bwe yazaalibwa, maama ye yamuwambaatira, n'amusabika n'akola akabaya n'amuteeka mu bitoogo, nga omutima gwe gujula okukutuka. Omwana we gwe yalina yekka omuto, era yali— ye mwana eyali asingayo okulabika obulungi mu nsi yonna. Era mumanyi maama bw'ayagala omwana yenna omuto! Naye okulaba omwana ono omuto baabuwe!

35 Ate nga, mu mutima gwe, yali akimanyi nti yazaalibwa lwa kigendererwa, naye n'aba nga alina okumutwala amuteeke wali wennyini awali zi goonya, mu mugga. Olw'okukkiriza ekyo yakikola, nga akimanyi nti Katonda asobola okumulabirira; era si kitono okuwumbawumba omukwano gwa maama, n'ekikolwa eky'enneeyisa ey'okukkiriza kwe. Kubanga okukkiriza tekwekwata ku musenyu oguseeseetuka ogw'ebyo bye kulaba; wabula okukkiriza kuwummulira ku lwazi olutanyeenyeezebwa olw'Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo. "Kubanga kino," bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "yakikola lwa kukkiriza."

36 Era okukkiriza kusobola okuyimirira ku lwazi, emisingi gyalwo eginyeenyezebwa amayengo okubula okulusiguukulula, ne kutunula okufa mu maaso ne kumanya nti kya kaseera buseera, naye okukkiriza kusobola okulengera emitala w'amayanja eri Oyo eyagamba nti, "Nze kuzuukira n'Obulamu," ne kutawulira na kuwuuma kwa mayengo.

37 Ekyo ky'ekika ky'okukkiriza maama wa Musa kwe yalina. Yamuyigiriza era n'amukuliza mu lubiri lwa Falaawo, nga amuyigiriza nti yazaalibwa lwa kigendererwa, nti Yakuwa yali ayanukudde okusaba kwe. Era, yali . . . yali tayinza kufuna musomesa mulungi asinga awo. Ekyo kye kyayamba okubumba embala ennungi Musa gye yalina.

38 Nzikiriza yali Abraham Lincoln olumu eyayogera ebigambo bwe biti . . .

39 Kati, siri muwagizi wa kibiina kya ba Democrat wadde ekya Republican, ndi . . . Ndi Mukristaayo kye kyokka. Kubanga, ku lwange ndowooza nti oludda olumu terulina kye lusobola kuvumirira ludda luli olulala; byonna byonoonefu. Naye, Abraham Lincoln, nze nga bwe ndowooza, yali omu ku . . . era yali omu ku ba Pulezidenti abasingayo okuba ab'ekitalo eggwanga lino ery'Amerika be lyali lifunye; ne Washington, n'abalala.

40 Kubanga, Abraham Lincoln yalina e—entandikwa embi. Yali mwavu. Teyalina musingi gwonna, mu by'okusoma, oba—oba ekintu kyonna eky'amaanyi, oba ssente, oba ekintu kyonna ekyali kisobola okumuyamba, nga Washington bye yalina. Washington yali yasoma n'amaliriza, era yali—yali amanyi; yali musajja mugezi, musajja wa maanyi, okusooka kwa byonna.

Naye Lincoln yali yakulira mu nnyumba eyali yazimbisibwa emiti, mu kitundu amatendo eky'e Kentucky, mu nnyumba eyo eyali ey'ettaka wansi munda, ekyaliwo n'okutuusa leero nga ekijjukizo wano mu Louisville. Naye, wadde yali musajja wa maanyi nga bwe yali, era nga okuwandiika, yakuyiga awandiika ku ttaka lye yalimanga, okusimbako kasooli.

41 Naye kino leka nkiragirize eri abavubuka abato. Mukimanyi nti Abraham Lincoln teyabeerako na kitabo kirala kyonna mu bulamu bwe, okutuusa nga asussizza emyaka abiri mu gumu, okuggyako Bayibuli n'ekitabo ekyogera ku bajulizi ekyawandiikibwa Foxe? Mukiraba, by'osoma bye bikutondamu embala eyo gy'olina. Ky'ova olaba nga tulina abantu bangi abatabufu b'emitwe ensangi zino; magaziini ezijjuddemu enfumo ezaayiiyizibwa obuyiiyiizibwa, n'eby'obuwemu n'ebitaliimu nsa, ze ziri mu masa gaffe awatundirwa amawulire. Ye yalina Bayibuli n'ekitabo ekyogera ku bajulizi ekyawandiikibwa Foxe. Mulabe kye byamufuula!

42 Naye mu ebyo byonna, lumu yayogera ebigambo bwe biti. Yagamba nti, "Bwe wabaawo ekintu kyonna ekirungi mu nze, nkirina lwa maama eyali atya Katonda," eyamukuza nga aweereza Mukama.

43 Mulaba, omwana awuliriza nnyina; waliwo enkolagana ey'enjawulo maama oyo gy'aba nayo, ereetera omwana okumuwuliriza. Bw'aba n'ekimuluma, ajja kugenda eri maama okufuna okubudaabudibwa nga tannagenda eri taata. Kubanga, ye yasooka okubeera n'omwana oyo, nga bwe mumanyi. Era waliwo ekirabo Katonda ky'awa maama, okusobola okubeera bw'atyo; ntegeeza maama yennyini. Kati, nzikiriza nti bamaama ba kitiibwa era batya Katonda.

44 Naye nzikiriza nti, ebintu nga Ennaku za Bamaama, nga zino, byafuuka kya busuubuzi, kukola ssente nnyingi mu kutunda bimuli n'ebirala. Naye olunaku lwa maama lulina kuba lwa buli lunaku. Ssi kumuweerezaayo kiganda kya bimuli ku Lunaku lwa Maama, wabula okumwagala n'okumufaako ennaku bisatu mu nkaaga mu ttaano n'ebiro, okuyita mu mwaka gwonna. Naye, mu buli ngeri, ebintu nga bino abasuubuzi babifunamu nnyo, era ki—ki—kimalamu maama ensa.

"Ha, kati, ku Lunaku lwa Maama oluwedde nnamuweereza ekiganda ky'ebimuli."

45 Ajja kukusiima nnyo, n'okusingawo, singa otuula wansi n'onyumyamu naye, oba n'obaako obugambo obumusuuta bw'omuwandiikira, oba n'omusiisiitira ku kibegabega, oba n'omunywegerako ku ttama, n'omugamba nti omwagala. Ekyo kijja kusingira wala ebimuli byonna by'osobola okugula okuva eri oyo atunda ebimuli. Bwe kiri.

46 Ndowooza kyali mu firimu ey'Amateeka Ekkumi, ey'omugenzi Cecil DeMille, gye yawandiika n'eteekebwa

ku lutimbe emu ku firimu ezikyasinze okuba ennungi mu firimu ezaali zizannyiddwa mu nsi yonna. Naye bwe yali tennakwatibwa ku lutambi lwa firimu, manya kufulumizibwa, Cecil DeMille yayita Oral Roberts ne Demos Shakarian, n'abaweereza abakkiriza Enjiri Enzijuvu abawerako, n'abatwala mu situdiyo ze n'abalaga firimu eyo ey'essaawa ennya ey'Amateeka Ekkumi, n'ababuuza kye bagirowoozaako. Emmeeme ye ey'obuzira Katonda agiwe ekiwummulo ekirungi!

47 Era bwe nnagiraba, nnali ngiraba, era waliwo akantu ak'enkukunala akansigala mu birowoozo. Bwe wabaawo bangi ku mmwe abaagiraba, waali awo muwala wa Falaawo. . . Musa bwe yali amaze okukitegeera nti yali—yali Mwebbulaniya, era nga asazeewo okugenda abeere n'abantu be. Nga maama we atudde awo oyo olumu eyali alabika obulungi, nga awedde ku mpagala, yenna ajjudde envi n'enkanyanya mu maaso, nga atudde mu ntebe eriko we yeesigamya omukono gwe; eky'okulabirako kya maama yennyini. Muwala wa Falaawo n'ayingira. Musa n'abuuza nti, "Naye kati, ani anzaala?"

48 Era bwe kyategeerekeka obulungi, nti Yokebedi ye yali maama we yennyini. Muwala wa Falaawo, nga yenna yeesiize langi n'ebirala byonna, nga yeetonyetonye; n'agamba nti, "Naye, labayo! Ayinza okuba mutabani wo, naye," n'agamba nti, "Nze nnamuwa obugagga n'ekitiibwa. Ggwe tewali kye wandisobodde kumuwa okuggyako ebinnya by'obudongo."

49 Naye nnamukadde ono maama ow'envi n'agamba nti, "Naye nze nnamuwa obulamu." Ekyo kye kikolawo enjawulo. "Nnamuwa obulamu." Katonda n'amuwa Obulamu Obutaggwaawo. Ekyo nga kituufu nnyo, maama!

50 Oluusi abantu baŋŋamba, okusingira ddala mu nkuŋŋaana zange, nti "buli kiseera mbeera mbuulira ku kuzuukira." Era nnasomye ekitundu ky'ekyawandiikibwa enkya ya leero, essuula ey'e 15 n'olunyiriri olw'a 4 olw'Abakkolinso Ekisooka, ekikwata ku kuzuukira.

51 Naye, mulaba, ekifaananyi mwe balabira maama ensangi zino, kya kibya kya bimuli ekiri awo ku mabbali g'omukyala omukadde, eyakaddiwa atakyasobola na kusituka, ob'olyawo, eyanafuwa, ow'omutwe ogujjudde envi, nga yenna ajjudde enkanyanya, atudde mu ntebe eriko we yeesigamya omukono gwe. Ekyo weewaawo kituufu. Naye njagala nkozese omulamwa gwange mbasiigire ekifaananyi ekirala eky'ekyo maama ky'ali.

52 Waliwo eyaŋŋamba nti, "Obuulira nnyo ku kuzuukira. Kumpi buli Bubaka bw'obuulira bubaamu ekintu ekikwata ku kuzuukira."

53 Ekyo, kituufu. Kye—ky'ekifo ekikulu eky'oku ntikko Enjiri yonna kw'etusongera. Ka kibeere kiki kyonna kye Yakola, singa teyazuukira kuva mu bafu, byonna byandibadde bya bwereere. Okwo, nze gye ndi, kukakasa nti Yali Katonda.

Kukakasa buli kimu kye Yayogera; okuzuukira! Ate n'ekirala ekyo ky'ekifo emmeeme w'ewummulira. Awo we watandikirwa. Kwe kutikkirwa kw'okubudaabudibwa kwaffe.

54 Era bwe tukiraba nti Yazuukira okuva mu bafu, kituteeka, ku mwanjo olutalo we luyindira, nga tukutte eby'okulwanyisa eby'Enjiri, okulwana. Kubanga, tukimanyi nti Yagamba nti, "Oyo alifiirwa obulamu bwe ku Lwange alibulaba nate."

55 Era ndowooza nti kwe kutikkirwa okukulu okw'Enjiri Enzijuvu, kwe kuzuukira, n'ebisuubizo byakwo Ebitukuvu, n'okubudaabudibwa kwe kuwa abo abakuteekamu obwesige. Kubanga, kusuubiza okukuŋŋaana awamu okukulu ffe okuddamu okutabagana awamu. Era kusuubiza, ne—n'okusaanawo kw'ekibi. Kusuubiza okusaanawo kw'obulemu bwonna, n'okubonaabona kwonna kwe tubadde nakwo mu bulamu buno, kwe tuyiseemu, mu bulamu buno. Kusuubiza, era n'okuggwaawo kwabyo byonna. Kusuubiza nti ka kubeere okufa kuliba tekukyatulinako buyinza, era tulizuukira nga tufaanana Yesu. N'olwekyo, nze nga bwe ndaba, okuzuukira ky'ekisingayo mu bisuubizo byonna mu bintu ebiri mu Byawandiikibwa. Awo we wali envumbo.

56 Era ku Paasika eyaggwa, bwe nnali mbuulira ku bintu ebitaano ebigamba nti:

> Bwe yali omulamu, Yanjagala; bwe yafa, n'Andokola;
> Bwe yaziikibwa, n'Atwalira ddala wala ebibi byange;
> Naye, bwe yazuukira, n'Anzigyirako ddala omusango emirembe n'emirembe nga tewali muwendo gwe nsasudde.

57 Olwo nze gye ndi lwe Lunaku, Olunaku olwo olukulu ennyo okusinga ennaku endala zonna! N'okulaba kye kiritegeeza, gye tuli fenna, mu kuzuukira, nga bwe tufuba n'okulindirira Olunaku olwo olw'omukisa olusinga ennaku endala zonna!

58 Kituwa ekisuubizo nti lumu bamaama bano abakaddiye, abanafuye, abatakyalina maanyi, abajjudde envi, abatakyalina mbavu balikyusibwa. Maama talituula awo, bw'omu yekka, naye aliba wamu n'abenju ye bonna.

59 Era olwo nga luliba lunaku lukulu nnyo! Nga kiriba kiseera kikulu nnyo, bwe tulikuba emmunye ku baagalwa baffe be twagala okukamala! Nga walibaawo enjawulo ey'amaanyi ku olwo ku makya, bwe tuliraba abaagalwa baffe, ne—ne tulaba ne bwe baliba bafaanana mu kiseera ekyo! Okunyigirizibwa kwonna kuliggyibwawo. Enkovu zonna ez'okubonaabona ziriba zikomye. Waliba tewakyaliwo kupeeruuka nga akabonero k'okufa. Tewaliddamu kubaawo kukulukusa maziga. Okuzuukira kusuubiza bino byonna. Tewaliddamu kubaawo mikolo gya kuziika. Tewaliddamu

kubaawo kuweeweeta ttama lya mwana muwere, likalambadde nga liringa ejjinja; kubanga aziraga emirambo yamukubye eddagala aleme kuwunya, n'amuggyamu omusaayi n'omukka gwonna n'amusiiga ne langi, n'ebirala by'amukolako, asobole okulabika nga omulamu. Ebyo, eri biriba tebikyetaagisaayo.

60 Era ndowooza ku kaseera ako bwe tulibalaba nga bayimiridde emitala, abaagalwa baffe, ba maama baffe, ab'eŋŋanda zaffe, ne mikwano gyaffe gyonna; ne tubalaba nga bali mu mibiri gyabwe egitafa, emibiri gyabwe egy'omu ggulu; nga tulaba embala yaabwe, nga tulaba engeri gye beeyisamu n'okwagala okwo n'obukkakkamu, nga tebakyeraliikirira wadde okunyigirizibwa. Bwe tulibalaba nga bayimiridde nga bafaanana Mukama waffe Yesu, olwo luliba lunaku lulungi nnyo.

61 Era buli omu ku ffe, mu birowoozo byaffe, tusuubira era tuyaayaana okutuuka mu kaseera ako ak'okubudaabudibwa, lwe tulibasisinkana. Buli omu alowooza ku baagalwa be, ob'olyawo ku maama we eyasomoka. Era nga luliba lunaku lukulu nnyo, bw'oliddamu n'omulaba nate! Ne kitaawo, ne muganda wo, ne. . .abaagalwa bo bonna, nga luliba lunaku lukulu nnyo!

62 Nange, mu kaseera kano, ndowooza. Ndowooza ku famire yange, kye kiritegeeza gyendi ku Lunaku olwo.

63 Ndowooza nti, ku makya ago ag'okuzuukira, ob'olyawo alisooka okujja okunsisinkana aliba muwala wange omuto Sharon. Nedda, aliba tajugumira. Ssetaani oyo tayinza kuyingira mu kifo ekyo. Tewali mulalama ayinza kutuuka mu Nsi eyo. Aliba tansiibula nti weeraba. Obuuso obwo, obw'emmunye eza bbululu buliba buzina nga bw'ayimusa emikono gye mu bbanga nga bw'aleekaana nti, "Taata!" Ndisanyuka okumulaba, n'okukimanya nti taliddamu kufa; okukimanya nti ebyali bindeetera okubuulira ennyo ku kuzuukira, byonna biwedde.

64 Era oluvannyuma ndiraba maama we, maama wa Billy, mutabani wange. Era nnina ebirowoozo bingi ebinzijira. Nzijukira bwe nnali mmutwala; manya Mw. Combs, engulu wano, bwe yali amutwala mu biseera bye eby'oluvannyuma, nga mmuvaako emabega, mu mmotoka. Bwe twali tuserengeta ku luguudo lwa Seventh Street, erudda wali; nga Billy, wa myezi kkumi na munaana gyokka.

65 Nzijukira bwe baamuleetanga ku luguudo, maama we amulabeko. N'abeeranga awo n'akaaba, nga bw'atunuulira omwana we, naye nga tasobola kumusemberera.

66 Naye ku mulundi guno n'ajja ku luguudo, akola ku by'okuziika n'ajja nga bw'ayitawo ku luguudo lwa—lwa—lwa Seventh Street. Maama wange ono wano ye yali amulabirira mu kiseera ekyo. Era yali ayimiridde wabweru mu lujja, nga ayambadde akawale akampi, n'akakoofiira akamyufu ku

mutwe gwe nga keesuulidde erudda. Era maama we oyo, nga agalamidde ku katanda ako, emabega mu ambyulensi eyo, nga antunuulidde, bwe yalaba omwana we nga ayimiridde mu lujja, nga akimanyi nti ali mu biseera bye eby'oluvannyuma, yasituka ku katanda n'aleekaana, n'agolola akakono ke akaali akakovvu okukamala, anywegere omwana we eyali mu lujja. Naye yali tasobola kumutuukako.

67 O, liriba ssanyu okumulabako ku lunaku olwo. Nedda, taliba na mikono mikovvu giweddeko nnyama, n'emba ze ziriba teziguddemu. Naye aliyimirira mu bulungi obw'omu ggulu obwa nnaabakyala w'Eggulu, n'obwa maama. Amaaso ge ag'emmunye enzirugavu, enzirugavu ennyo nga ebiwaawaatiro bya nnamuŋŋoona, galiba gazina olw'essanyu. Taliddamu kukootakoota; eyo, omuzimu ogwo ogw'endwadde y'akafuba gye gutaliyinza kuyingira mu Nsi eyo. Naye, aliyimirira mu maaso Ge, nga takyafa.

68 Ndowooza, nti, okuva awo aliddako okujja okunsisinkana aliba Edward, gwe twayitanga "Humpy," bwe twafunzanga erinnya lye. Ye yali omubereberye mu lujegere olunene olw'ennyingo omwenda, olujegere olwa famire ya Branham. Y'ennyingo y'olujegere eyasooka okukutukako; eyali anzirako. Edward ndimulaba nga ajja gye ndi nga adduka. Weewaawo, yafa muvubuka, nga wa myaka kkumi na mwenda gyokka. Era bwe ndimukwata ku mukono, nkakasa tuliba n'ebintu bingi eby'okwogerako, eby'omu buto, kubanga twali ba mikwano nnyo. Twabeeranga wamu. Yandekanga ne nnyambala essuuti ye, ne—ne—n'ebintu ebirala nga ab'oluganda bennyini bwe bakola. Liriba ssanyu lingi okuddamu okumulaba.

69 Era ndimuwulira nga ayogera ekintu ekifaananako bwe kiti nti, "Obubaka bwange wabufuna, Bill? Wali okola ku faamu ya nte, mu kaseera we nnaviira mu nsi. Naye bwe nnali mu ddwaliro, nnakutumira obubaka ne ŋŋamba nti, 'Mugambe Bill nti buli kimu kiri bulungi.'"

Ndisanyuka okumuddamu nti, "Weewaawo, obubaka bwo nnabufuna, ku ffaamu eyo gye nnali."

70 Kati, ndowooza, aliddako okujja aliba kitange. Y'ennyingo y'olujegere eyaddako okugenda, era . . . Nedda.

71 Ndowooza Charles ye yaddako, muto waffe. Yafuna akabenje k'emmotoka nga akyali mulenzi muto. Bulijjo yatambulanga akulula okugulu kwe, okwa ddyo. Naye, mukimanyi, nti bwe ndimulaba, okugulu okwo aliba takyakukulula. Ebyo byonna biriba tebikyaliwo, aliyimirira mu kitiibwa nga omuvubuka.

72 Era aliŋŋamba, ekintu ekifaananako bwe kiti, nga bw'amwenya. Aliŋŋamba nti, "Weewaawo, Bill, eno teri bubenje. Era nzijukira akawungeezi eggulolimu bwe nnali sinnafiira mu kabenje ka mmotoka, wayogera nange, bwe twali tuyimiridde wansi w'akalyango w'okyamira mu luggya

lw'amaka gaffe ag'ekinaku," era nnengera waggulu w'akalyango ako, mu kaseera kano kennyini. "Wayogera nange ku Mukama, nga wabulayo essaawa ntono ŋŋende. Era wali mu kituuti nga obuulira mu kiseera we nnagendera."

73 Oluvannyuma kitange alijja. O, nsobola okumulaba. Newankubadde yankubanga nnyo, ekyo kyennyini kye nnali nneetaaga, naye ndiraba enviiri ezo enzirugavu ez'amayengo, era ku lunaku olwo, ziriba zaakaayakana okusinga bwe zaali zibadde. Era alintunuulira, n'aŋŋamba nti, "Mutabani, omanyi, wano Taata taliddamu, kusituka kuva ku mmeeza, nga enjala emuluma, kuleka baana be balye, kubanga wano emmere tugirina mu bungi. Wano tewali kubulwa kintu kyonna."

74 Ndowoozaamu bwe nnamulabanga engeri gye yakolangamu, nga asasulwa ssente ataano oba nsanvu mu ttaano olunaku, naye n'asituka n'ava ku mmeeza abaana basobole okulya, n'addayo akole. Era yakolanga nnyo okutuusa essaati ye lwe yamukwatiranga ku mugongo, nga maama alina kugisusumbulako na makansi.

75 Ndimuwulira nga ayogera ekintu bwe kiti nti, "Bill, ojjukira ekiro kiri ggwe n'Ow'oluganda George bwe mwajja okunsabira nga nnaatera okufa? Omanyi, nnagamba maama nti waaliwo Bamalayika babiri abeeru nga bayimiridde ku kitanda, ne malayika omumyufu emirannamiro. Era malayika omumyufu yali agezaako okuntwala, naye Malayika omweru n'ayimirira wakati. Era Baakomekkereza bantutte Eka."

76 Era okuva awo, omulala, ennyingo eyaddako okugenda, manya eyagenda, erijja Howard. Ndiraba Howard; eyali mukwano gwange ennyo bwe twatambulanga, buli wamu wonna; yali yayitibwa kuba muweereza; olw'ekikula kye nga omuntu ekyali ekirungi ennyo, naye mikwano gye ne bamuwugula. Lwe nnasembayo okwogera naye, yaŋŋamba nti, "Bill, bwe nnaagenda . . . "

77 Nna—nnamulaba nga agenda, mu kwolesebwa, emyaka nga ena nga tannagenda. Ne mmugamba nti nnalabye Taata nga ateeka akabonero ku ntaana ye n'agamba nti oyo y'addako.

78 N'aŋŋamba nti, "Waliwo ekintu kimu kyokka kye njagala onkolere." N'agamba nti, "Obulamu bwange bwonna nnabuttattana. Nnawasa ne nkola buli kimu kyonna. Ssi—ssimanyi kiki ekyabaawo."

Ne mmubuuza nti, "Howard, Yesu omukkiriza?"

79 N'aŋŋamba nti, "Na buli kimu ekiri mu nze, mmukkiriza." Ennaku nga bbiri oba ssatu nga tannagenda, yatabagana n'afuna emirembe ne Katonda, nga ayambibwako Ow'oluganda Neville n'abalala abaaliwo. N'agamba nti, "Waliwo ekintu kimu kye njagala okole. Bwe nnaagenda, Bill, bagambe bannyimbire oluyimba olugamba nti, *'Alikitegeera, n'Aŋŋamba Nti, "Weebale."'"*

80 Nzikiriza, bwe ndiba ssinnakwata Howard mu ngalo, ndimuwulira bw'aliyimirira n'antunuulira, n'aŋŋamba nti, "Bill, Yakitegeera."

81 Oluvannyuma lw'abo, walijja Ow'oluganda Seward, Ow'oluganda Frank Broy, Ow'oluganda George DeArk. O, okuzuukira kutegeeza kinene nnyo gye ndi. Nneesunga akaseera ako akakulu ak'okutikkirwa. Era Ekitangaala bwe kiritandika okusaasaana, "Tulimanya bannaffe nga nabo bwe batumanyi." Tulitegeera, era—era tulijjukira mikwano gyaffe n'abo bonna be twali nabo.

82 Era—era bangi, waliwo bangi abalibaayo be tutalowoozanganako nti balibaayo. Kubanga, mumanyi nti, ekyo ky'ekiseera, kye nzikiriza nti "omugaati gwe twasuula ku mazzi g'obuntu, agatabanguse, lwe gulikomawo gye tuli ku Lunaku olwo." Bwe tuliraba obujulizi bwaffe bye bwakola, ku bantu be tutaategeera kye baasalawo oluvannyuma lw'okuwulira Ekigambo, ob'alyawo balibaayo. Nga luliba Lunaku lukulu nnyo!

83 Era, okwo gattako, n'ensigo ze twasiga, nga tetumanyi na kiki kye zinaakola, naye nabo nga gyeebali. Baaleeta ebibala ebirungi, era tulibalaba ku Lunaku olwo, abaagalwa baffe abataatambula bulungi n'ab'eŋŋanda zaffe.

84 Era ndowooza ku mitwalo n'emitwalo be ndabye nga balokoka, weewaawo, kati bakunukkiriza, mu bukadde, n'obuweereza bwabwe kye bwali. O, okuzuukira kwokka tekulimala. Kirintwalira Butaggwaawo, okugenda nga mpitaayita, nga bwe tukwatagana mu ngalo n'okuzuula ebintu bye simanyi mu kaseera kano.

85 Walibaayo bamaama abo abakadde ab'emitwe egijjudde envi, olwa leero be mwambalidde ebimuli ebyo ebyeru, balibalaba, era baliba balungi nnyo. Tebaliba mu kifaananyi kya kibya ekirimu ebimuli, oba ekifaananyi ky'omuntu omukadde ow'envi; naye mu kifaananyi n'obulungi obw'okuzuukira, baliyimirira nga bafaanana Kristo, mu mibiri gyabwe egy'omu ggulu, nga bato era balabika bulungi emirembe n'emirembe. Mazima ddala, olwo lwe—olwo lwe Lunaka lwa Maama lwe nnindiridde. Ago ge matikkira. Ssi kimuli eky'okwambala ku kooti, wabula okutikkirwa kw'emmeeme, kubanga Katonda amukyusizza!

86 Ndowooza ku mmange anzaala, akaddiye era atakyalina maanyi, era nga akankana olw'okusannyalala. Ebyo ku Lunaku olwo talibikola. Ku olwo kiriba kya njawulo. Era Ekitangaala ekyo bwe kiritandika okusaasaana, bwe tulitanula okwekkaanya, nga enkulungo eyo ennene bwe yeeyongera okugaziwa nga bwe yeeyongera okugaziwa. Ebyo byonna bye bisooka nga Yesu tanajja. "Era oluvannyuma lw'akaseera," nga

oluyimba bwe lwagamba nti, “era oluvannyuma lwa byonna ndiraba Yesu.”

> Aliba annindiridde, Yesu, ajjudde ekisa era omwesigwa.
> Ku Ntebe Ye amatiribona Alinnyaniriza Eka
> Olunaku luno bwe luliba luwedde.

87 Era bwe tulimulaba, tetulibeera nga bwe tuli kati. Tuli—tulimanya okumwagala okusinga bwe tumwagala kati. Tetulibaamu kutya kwonna; kubanga, tuliba tufaanana nga Ye. Tu. . . Aliba waaluganda lwaffe nnyo okusinga bw’Ali kati. Tulimutegeera mu ngeri esingawo. Kubanga, kati tuli wala nnyo, mu mibiri egifa; naye mu kiseera ekyo tuliba n’omubiri ogw’ekitiibwa nga Ogugwe. Tulimanya engeri y’okumusinzaamu. Era bwe tuliraba Okubeerawo Kwe kye kutukoledde, nga kutukyusizza, abakadde nga bazze buto, abaagongobala bonna nga bateredde, o, olwo tulitegeera lwaki amaanyi Ge gaatuwonya.

88 Ebibuuzo ebibaddenga mu birowoozo byaffe nti, “Alikikola atya? *Kino* kiriba kitya?” Mu ngeri emu, eyeewuunyisa, byonna biriggwaawo. Ebifundikwa byonna ebyali byatuggibwa mu bwongo bwaffe nga twebuuza nti, “Kiriba kino? Kisoboka kitya?” Mu ngeri emu, oba endala, engalo ezo ez’ekitiibwa ziritaggulula, ebifundikwa ebyo, era byonna birikomekkerereza mu ngule eyo emu ennene ey’okwagala.

89 Olwo tulimulaba. Olwo tuliba nga Ye. Olwo tulimusinza. Olwo tuliraba maama nga Katonda bw’amwagala abeere.

Eyo maama tayinza kubeerayo nga atuukiridde nga tali wamu na famire ye.

90 Kubanga, ekiseera ekisingayo obukulu mu bulamu bwe kwe kulaba abaana be nga batudde okwetooloola emmeeza, era nga bonna balamu bulungi era basanyufu; era—era—n’okumulaba nga atabula ka caayi, oba kyonna ky’akola, n’ategeka n’ekyeggulo, ye ne taata ne batuula wansi. Kubanga, ekyo ky’ekiseera ekisingayo okuba eky’essanyu mu bulamu bwa maama, kulaba baana be bonna nga bali waka.

91 Kati, tobula, tobulawo ku Lunaku olwo. Leka olujegere olukulu olwa famire yo lugattibwe wamu, nnyingo ku nnyingo. Leka buli luwagi luteekebwe mu nnamuziga. Olwo tulituula wamu ne famire zaffe mu bibinja, wansi w’ebisiikirize eby’omu Butaggwaawo, nga luliba Lunaku lukulu nnyo! Olwo tulitegeera.

92 Kino ye Yakisuubiza, mu Kubikkulirwa 1, awagamba nti, nti, “Mu kamwa Ke ne muvaamu ekitala ekisala eky’obwogi obubiri.” “Yali ayitibwa Ekigambo kya Katonda.” Era gy’ali mimwa gyennyini egyo gye gyagamba nti, “Ye Nze oyo omulamu, eyali afudde; era ndi mulamu emirembe n’emirembe.” Okuva mu mimwa gye gimu egyo, mu njiri y’Omutukuvu

Yokaana 6, asatu-. . .wagamba bwe wati, nti, “Ssiribuzaako n’omu, naye ndimuzuukiza ku lunaku olw’enkomerero.” Ye Yakola ekisuubizo; emimwa gye gimu egyo egy’omuwendo. Ye y’Atulokola, y’Atuwonya, ye Yatununula, era y’Alituzuukiza ku lunaku olw’enkomerero.

93 Bw’oba nga ggwe nnyingo eyo entono ennafu eviiriddeko famire eno ennene okwawukana ku Lunaku luli, nsaba Katonda w’Eggulu, enkya ya leero, mu ngeri eyeewuunyisa, ataggulule obufundikwa obwo obusibiddwa mu ndowooza yo, akubikkulire okwagala kw’Alina gy’oli, ojje omuweereze mu kwagala.

Nga bwe tulowooza ku bintu bino, leka tusabe.

94 Nga tetunnasaba, nga emitwe gyammwe mugikotese, ŋŋenda kubabuuza. Wandyagadde, ku Lunaku lwa Maama luno, okuddamu okuwaayo obulamu bwo gy’Ali, olindirire okuzuukira okwo? Musobola okuyimusa emikono gyammwe gy’Ali? Nga buli omu. . .Katonda akuwe omukisa.

95 Waliwo omwonoonyi yenna ali wano kati, eyandyagadde okugamba nti, “Ayi Katonda, ssinnaba kwegatta ku nnyingo eyo. Nze nnyingo eyo ebulako etalibaayo maama bw’aliyitaayita nga anoonya eri mu Kitiibwa. Ssiribaayo, kubanga sinnaba kutabagana na Katonda. Sirina ssuubi lya Bulamu Butaggwaawo mu nze. Naye leero nja—njagala ekyo nkikole”? Osobola okuyimusa omukono gwo, n’ogamba nti, “Nsabira, Ow’oluganda Branham, mu kaseera kano. Njagala kujjukirwa mu kusaba, kubanga nnina abaagalwa emitala w’ennyanja, ennyanja y’Obulamu, era njagala kubasisinkana”? Muyimuse emikono gyammwe.

96 Oba bwe wabaawo eyaddirira, nga wandyagadde okukomawo ku lunaku luno, ogambe nti, “Ayi Mukama, nneewonga gy’Oli nate; nzija okuzza obuggya endagaano yange Naawe,” musobola okuyimusa emikono gyammwe?

97 Kitaffe ow’omu Ggulu, olunaku luno nga bwe lutambula, lujja kwongera okusembeza olunaku luli olukulu. Era kino tuwaliriziddwanga, okukiraba nga kirabisibwa, buli mwaka.

98 Nga abantu bwe baayambukanga e Yerusaalemi ku Lunaku lwa Pentekoote, n’olw’okutukuza ekkuŋŋaaniro n’awatukuvu, ne—n’okuwaayo ekiweebwayo olw’ekibi, buli mwaka bajjukizibwanga, omwana gw’endiga ogwo bwe gwattibwanga eyo, nti walijja ekiseera omwana gw’Endiga gwa Katonda lwe gulifa, okumalawo ekibi. Buli mulundi akaliga ako lwe kaakaabanga, omusaayi ne gubasammukira ku mikono gyabwe, bajjukizibwanga nti walijja ekiseera lwe walibaawo omwana gw’Endiga gwa Katonda, ogulikaaba nti, “Eli, lama. . .? Eli, lama. . .?” ku musaalaba.

Nsaba, ayi Katonda, nti nga bwe tutunula leero ne tulaba nti. . .

99 Wiiki ntono eziyise, bwe nnali ssinnasimbula kugenda mu buweereza Bwo, mu California, ekitundu kino ekya Indiana kyali awo nga kikalu era kifu, nga kirabika nga, awatali bulamu. Ebimuli ebyakunkumuka mu kiseera kya ddumbi w'omwaka oguwedde. Ebikoola nga bikunkumuse biwedde ku miti. Nga amasanda mu miti gakkiridde mu mirandira, era nga buli kimu kifudde.

100 Naye waliwo ekiseera enjuba lwe yatandika okwaka mu ngeri ey'enjawulo. Enjuba y'emu eyali eyase mu kiseera ky'obutiti, naye ebintu ebitwetoolodde byali bikyuse nga kati eyaka mu ngeri ya njawulo. Era olw'okwaka kw'enjuba, n'ebintu ebitwetoolodde, obulamu bwatandika okuvaayo, buli wamu. Ebikoola ne bikomawo ku miti. Ebikoola. . .Obulamu obwali buvudde mu bikoola, ebikoola ne bikunkumuka, naye obulamu ne bugenda mu ttaka; bwakomawo nga buzziddwa buggya, mu kitiibwa eky'obuvubuka. Ekimuli ekyali kiweddemu akawoowo kaakyo—kaakyo, ekyali kitakyalina kumasamasa kwa bulungi bwakyo nga kyagwa mu ttaka; kyazaalibwa, ne kiddamu ne kivaayo mu buvubuka bwakyo, nga kirina akawoowo akapya.

Ebyo bitujjukiza ki, ayi Mukama, mu biseera nga bino?

101 N'ensi eyali efuuse eddungu, ekkalu, n'efuuka olusuku olulungi olw'okwesiima, enjuki wamu n'ebinyonyi ne biyimba, nga buli kimu kisanyufu, nga n'emiti bwe—bwe gyewuubira mu mpewo ey'akabugumu akaweweevu ak'omu kiseera ekya ttoggo. Ebbugumu n'essanyu ne biddamu ne bikomawo ku nsi, olw'enjuba, e-n-j-u-b-a.

102 Naye lumu O-m-w-a-n-a ajja kujja nga alina okuwonya mu biwaawaatiro Bye, era obulamu obwo obwekweka mu ttaka, nga amasanda mu miti, nga o—obulamu obubeera mu nsigo y'ekimuli, alibuzuukiza nate ne budda buggya, obutaddamu kuwotoka nate. O, kino nga tukikwebaliza!

103 Era waliwo, emikono mingi nnyo ddala, egiyimusiddwa enkya ya leero, kubanga bakimanyi nti erudda eri emitala w'eggigi, waliyo ekiriyo. Bayaayaana okulaba maama. Bayaayaana okulaba abaagalwa baabwe ne mikwano gyabwe, n'okumanya ebyama bino byonna, engeri gye bajjamu wano, n'okuyita mu biseera byonna. Byonna bikwekeddwa mabega wa ggigi. Era lumu Olijja. Era baayimusizza emikono gyabwe; ba—ba—ba—baagala babeere bakakafu, ayi Mukama. Bezza buggya nate, era nange bwentyo. Kaakano tuyambe, ayi Mukama. Zza buggya okukkiriza kwaffe wamu n'amaanyi gaffe.

104 Era nga bwe tuwulira okujja kwa Mukama waffe. Era emyaka amakumi ana egiyise, waabalukawo okufuukibwa kw'omwoyo okuggya ku nsi. Omwoyo yatandika okubikkula ebintu. Era kati tutuuno tutuuse ku kabonero akasembayo, akabaawo nga Okujja tekunnabaawo. Tukimanyi nti okujja kwa Mukama waffe kusembedde. Era tulaba abalwadde

nga bawonyezebwa okuva mu ndwadde ezibadde zibaluma, ekibadde eky'ekyama eri ensi, okumala emyaka enkumi bbiri, kasookedde batume bavaawo. Naye kiikino kizzeemu okulabika, bannabbi basituka, Bamalayika balabika, obubonero n'ebyamagero. Kitegeeza ki? Okuzuukira kusembedde kumpi. O-m-w-a-n-a ajja.

105 Leka twetegeke, ayi Mukama. Leka tusembeze buli kisuubizo kyonna eky'Obwakatonda; temufaayo ku bufundikwa buno obwaleetebwa ssaayansi, n'ebirala, ebigamba nti tekisobola kubaawo. Leka butandike okutaggulukuka, enkya ya leero, olw'obutafa . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . nga bw'Atambuliratambulira ku Bigambo bya Bayibuli ya Katonda, nga ali nga ekivuga ekireegeddwa obulungi, okuyimba eddoboozi ly'oluyimba nti, "Nze Wuuyo eyali afudde, era ndi mulamu emirembe gyonna." "Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba." "Kubanga nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." "Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, nti ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri; obubonero n'ebyewuunyo; abasajja abakadde baliroota ebirooto, n'abavubuka baliraba okwolesebwa," akabonero k'enkuba ey'oluvannyuma n'enkomerero. Leka kiwulirwe, enkya ya leero, ayi Mukama, era leka okukkiriza kwaffe kubeeko obukuumi. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

59-0510M Olunaku Lwa Maama
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2025 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org